# ZABULI.

MU LUGANDA.

London:
BRITISH AND FOREIGN BIBLE SOCIETY.
1894.

PSALMS IN LUGANDA.

Zgan
894 p

# ZABULI.

## EKITABO I.

### 1.

Alina omukisa omuntu atatambula mu kutesa 1
kwababi, Newakubade okuimirira mu kubo
lyabo abalina ebibi,
Newakubade okutula ku ntebe yabanyoma.
Naye amateka ga Yakuwa ge gamusanyusa ; 2
Era mu matekage mwalowoza emisana nekiro.
Naye alifanana nga omuti ogwasimbibwa okumpi 3
nensulo ezamadzi,
Ogubala emere yagwo mu ntuku zayo,
Era amalagala gagwo tegawotoka ;
Ne buli kyakola, akiwerwako omukisa.
Ababi si bwebatyo ; 4
Naye bali nga ebisusunku, empeo byezifumula.
Ababi kyebaliva balema okuimirira mu musango, 5
Newakubade abalina ebibi mu kung'aniro lyaba-
tukirivu.
Kubanga Yakuwa amanyi ekubo lyabo abatuki- 6
rivu :
Naye ekubo lyababi liribula.

### 2.

Kiki ekibagugumusidza abamawanga, 1
Nabantu kiki ekibalowozesedza ekitalimu ?
Bakabaka abensi betesetese, 2
Nabafuga batesedza ebigambo wamu,
Ku Yakuwa ne ku Masiyawe, *nga bogera nti,*

*Richard Clay & Sons, Limited, London & Bungay.*